

COVAP Study Participant Informed Consent Document

Ekiwandiiko ekinyonyola ebikwata ku kunoonyereza

Omutwe gw'okunoonyereza: “Okunoonyereza okutaliimu kugezesa kintu kyonna, okweyambisa enkola ezitali zimu okuzuula oba kisoboka okukola okunoonyereza kw'okugezesa eddagala ly'okugema obulwadde bwa COVID-19 mu bakozi b'eby'obulamu mu Uganda “COVAP”

Omulamwa gw'okunoonyereza: Omulamwa gw'okunoonyereza kuno kwe kuzuula oba kisoboka okukola okunoonyereza kw'okugezesa eddagala ly'okugema obulwadde bwa COVID-19 mu bakozi b'eby'obulamu mu Uganda.

Abaneetaba mu kunoonyereza: Okunoonyereza kujja kukolebwa mu bakozi b'eby'obulamu mu malwaliro Kisubi erisangibwa mu Wakiso, ery'e Kitovu mu Masaka, ne Villa Maria mu Kalungu. Olukalala lw'abasawo ne nnamba z'amassimu gabwe bijja kufunibwa okuva ku bakulira amalwaliro gye bakolerera. Buli mukosi w'eby'obulamu ajja kutuukilirwa omukozi w'ekitongole kyaffe nga ayita mu kumukubira Essimu oba okumusisinkana bategeke okusisinkana mu dwaliro oba awalala we banaaba bakkiriziganyiza, omukozi w'ekitongongole wanaamunyonnyolera ebikwata ku kunoonyereza. Abakola ku by'obulamu abatakka wansi wa 380 be bajja okwetaba mu kunoonyereza.

Ebbanga ly'okunoonyereza: Okunoonyereza kwonna kusuubirwa okutwala ebbanga lya myezi 6. Abaneetabamu abasinga bajja kubuuzibwa omulundi gumu. Abantu nga kumi ku buli kikumi bakuyinza okuyitibwa okuddamu okubuuzibwa ebibuuzo ebiwanvuko mu bbanga elitasukka mwezi gumu okuva ku mulundi ogwasooka. Okubuuzibwa ebibuuzo kujja kumala eddakiika nga 45 ku buli mulundi.

Emitendera gy'okunoonyereza

Omukozi w'ekitongole ajja kujja ku ddwaliro gy'okolera oba ekifo ekirala kye munaaba mukanyizaako, akubuuliire byonna ebikwata ku kunoonyereza akusabe okwetabamu. Bw'oba okkirizza okwetabamu, omukozi w'ekitongole kyaffe, ajja kukusaba okussa omukono ku foomu eno. Omukozi ono ajja kukubuuza ebibuuzo ebikwata ku bulamu bwo, by'omanyi, endowoozayo, n'ebyo by'okola ku kawuka ka Corona akaleeta ekirwadde kya COVID-19, engeri gye weteseteseemu okwetaba mu kunoonyereza ku kirwadde kya COVID-19 ate n'ebyo ebikosa embeera y'obulamu bwo (endwadde ezikuluma). Omukozi w'okunoonyereza ajja kuyingiza ebyo by'omuzeemu mu ka kompyuta ako'mungalo. Okubuzibwa ebibuuzo kuno kujja kutwala ebbanga lya ddakiika nga 45.

Okyayinza okulondebwa okuba mu bantu abatono abanaabaayo n'okubuuzibwa ebibuuzo ebiwanvuko mu bbanga lya mwezi gumu okuva ku kubuuzibwa ebibuuzo okwasooka. Okubuuzibwa ebibuuzo kuno kuyinza okukolebwa omukozi w'ekitongole omulala. Bw'oba olondeddwa okwetaba mu kuddamu ebibuuzo ebiwanvuko, ojja kusabibwa okuwa endowooza yo ku bulwadde bwa COVID-19 okutwalira wamu ate n'okunoonyereza ku ddagala ly'okugema COVID-19. Akola omulimu guno ajja kukwata by'oddamu nga yeyambisa akuuma akakwata amaloboozi ku katambi ate ebiwandiike ne mu katabo ke.

Obuzibu n'obutawulira bulungi ebiyinza okuba mu kwetabamu: Okunoonyereza kuno kujja kubaamu okukukyalira ku ddwaliro gy'okolera oba ekifo ekirala ky'onooba osiimye. Kino

COVAP Study Participant Informed Consent Document

kiyinda okukutaataaganya mu budde bw'okoleramu. Tujja kugezaako okulaba nti okwogeraganya naawe kikolebwa mu budde obutataataaganya mirimu gyo. Okyayinda okuwulira ensanyi nga obuuzibwa ebikwata ku bulamu bwo. Tujja kukola kyonna ekisoboka okukuuma ebyaama byo. Tujja kukola bino wammanga okulaba embeera y'okusiigibwa akawuka ka Corona tebaawo. Abakola okunoonyereza abatewulira bulungi mu bulamu bwabwe tebajja kuwerezebwa kukola ku kunoonyereza kuno. Abakola okunoonyereza bajja kwambala ebikozesebwa okwebikka ku mimwa n'enyindo (abukookolo). Naawe ojja kusabibwa okwambala akakookolo. Bw'oba tokalina, akola ku kunoonyereza kuno ajja kukakuwa. Okwewala okusemberelagana nga akunyonnyola ebikwata ku kunoonyereza ate n'emu kukubuuza ebibuuzo, wajja kubaawo ebbanga lya mita bbiri (2) wakati wo n'omukozi waffe. Bw'oba tolina peeni eyiyo ku bubwo nga ku kunoonyereza n'okussa omukono ku ffoomu eno, akola okunoonyereza ajja kukuwa peeni empya ate oluvanyuma ogisigaze. Akola okunoonyereza ajja kukuwa peeni eyo, n'effoomu oluvanyuma lw'okunaaba engalo oba okwefuuyira sanitayiza. Ffoomu kw'otadde omukono ejja kutekebwa mu kasawo akasibibwa ne zzipu era eterekebwe mu okumala ebbanga lya wiiki 2 nga tenagyibwamu.

Emiganyulo: Wewaawo tewali miganyulo gy'oli giva butereevu mu kwetaba mu kunoonyereza, okyayinda okuwulira okwenyumiriza nti okwetabamu kwo kujja kubaako ettofaali ly'otadde ku ngeri okunoonyereza ku ddagala ly'okugema obulwadde bwa COVID-19 mu Uganda n'awalala mu biseera ebijja.

Okukuddizibwawo olw'obudde bwo: Ojja kuwebwayo Shiilingi 40,000 (emitwalo ena eza Uganda) olw'obudde bw'omaze buli mulundi gw'obuuzibwa ebibuuzo mu kunoonyereza kuno.

Okwetamu kwo kwa kyeyagalire: Ojja kussa omukono oba ekinkumu ku kopi za ffoomu eno bbiri okulaga nti okkiriza nga weyagalidde okwetaba mu kunoonyereza kuno; Kopi emu ejja kukuwebwa ate endala ejja kuterekebwa ku kitebe kya MRC/UVRI & LSHTM Uganda Research unit e Masaka oba Entebbe. Okyayinda okuva mu kunoonyereza obudde bwonna woyagalidde. Bw'osalawo obutetabaamu oba bw'ovaamu, torina ddembe ryo oba miganyulo by'ofiirwa.

Okulabilira okunoonyereza: Okunoonyereza kuno kuweereddwa olukusa okuva mu kakiiko ka UVRI Research Ethics Committee, wamu ne London School of Hygiene & Tropical Medicine Ethics committee, n'ekitongole kya Uganda National Council for Science and Technology. Okunoonyereza kujja kulondolwa omuntu atali mu ngeri gye kukolebwamu.

Okukuuma ebyaama: Okwetaba kwo mu kunoonyereza, n'ebyo byonna by'etukufunyeko bya kyaama. Ojja kuba ne nnamba eyiyo ku bubwo etafaanana ya muntu mulala yenna, eno ejja kumanyibwa gwe n'oyo akola okunoonyereza. Ebiwandiiko byonna ebiriko amannya go bijja kusibirwa mu kifo ekitamala gatuukibwako ku office ya MRC/UVRI & LSHTM Uganda Research unit e Masaka oba Entebbe.

Ennamba z'essimu kw'otufunira: Bw'oba olina ekibuuzo kyonna ku kunoonyereza kuno, mwattu kubira dokita Eugene Ruzagira ku: oba Bw'oba n'ekibuuzo ku ddembe lya nga omuntu eyetabye mu kunoonyereza, mwattu tuukirira Mwami Tom Lutalo, ssentebe w'akakiiko ka UVRI Research Ethics Committee ku ssimu:

COVAP Study Participant Informed Consent Document

Ffoomu y'okukkiriza okwetaba mu kunoonyereza

Omutwe: “Okunoonyereza okutaliimu kugezesa kintu kyonna, okweyambisa enkola ezitali zimu okuzuula oba kisoboka okukola okunoonyereza kw'okugezesa eddagala ly'okugema obulwadde bwa COVID-19 mu bakozi b'eb'obulamu mu Uganda“COVAP”

Nze, (Amannya g'eyetabyemu)

Nzikkirizza okwetaba mu kunoonyereza okuli wansi w'omutwe “Okunoonyereza okutaliimu kugezesa kintu kyonna, okweyambisa enkola ezitali zimu okuzuula oba kisoboka okukola okunoonyereza kw'okugezesa eddagala ly'okugema obulwadde bwa COVID-19 mu bakozi b'eb'obulamu mu Uganda

Nsomye /bansomedde ekiwandiiko ekinnyonyola ebikwata ku kunoonyereza (eky'omuko gwa 1.0. 27Jun20). Ntegedde emitendera egiri mu kunoonyereza era mnayi byonna ebineetagisa okwetabamu.

Ntegedde era nzikkirizza byonna eby'etaagisa. Ntegeera nti ngenda kweetaba mu kunoonyereza nga ne'yagalidde ate nga nsobola okulekeraawo okwetabamu obudde bwonna elw'ensonga yonna. Bwemba ndekedde awo okwetabamu, eddembe lyange lyenina mu mateeka terinzigiwbwako.

Eyetabyemu:

Omukono gwe/ekinkumu:

Ennaku z'omwezi:

Akoze ogw'okunyonnyola n'okufuna olukusa:

Nyinyonyodde ebiri mu kunoonyereza, ebyetaagisa era n'obuzibu obuyinza okubaamu eri omuntu ono eyetabyemu.

Amannya: Omukono:

Ennaku z'omwezi:

Omujjulizi: (singa eyetabyemu aba tasobola kwesomera n'ategeera ebiri mu kiwandiiko ekinnyonyola ebikwata ku kunoonyereza) Nkakasa nti ekiwandiiko ekinnyonyola ebikwata ku kunoonyereza (eky'omuko gwa 0.1, 14JUN2020) omuntu ono kimusomeddwa era etegedde bulungi ebikwata ku kunoonyereza era mbaddewo ng'omujjulizi nga akkiriza okwetabamu.

Amannya: Omukono:

Ennaku z'omwezi: